



# Asibye 1,000/- n'ayiikamu obukadde 186

EBY'OKWOGERA kata bibule nnamukisa eyawangudde kavvu wa Fortebet gw'abadde aloota ebbanga lyonna.

Omuwanguzi ono yasibye 1,000/- lwokka n'awangula 186,115,074/-. Yettanidde kusiba ku 'fulltime win', 'ggoolo-ggoolo' ne 'over'.

Yeewaze okusiba ku ttiimu ennene nga Arsenal, ManU n'endala nga yasibye ku za 'England Amateur National League South' ne 'North', England National League, League One ne League Two' kwe yagasse 2 egya Championship.

Singa ogumu ku mipiira 25 gye yatadde ku lisiiti ye (nnamba 2533263064023576) tegwayongezeddwaayo, yandiwagudde ezisingawo.

"Ng'enda kutumizaawo ekyuma ekikola obusowaani bwa 'silver plates' (aluminium foils) okuva e China. Mu bbanga ttono, ng'enda kutandika okubutunda", omuwanguzi bwe yagambye ng'ayogerera Fortebet, Resty Mbatidde yaakamukwasa ssente.



Mbatidde ng'akwasa omuwanguzi ssente.